



NATIONAL UNION OF DISABLED PERSONS OF UGANDA (NUDIPU)

DISABILITY AND COVID-19 PANDEMIC

Ennyanjula ku NUDIPU

NUDIPU kibiina ekyatandikibwawo mu Yuganda okutabaganya ebibiina by'abantu abaliko obulemu obw'enjawulo nga kyatandikibwawo mu 1987. NUDIPU eruubirira okulaba nti wabeerawo obwenkanya mu mbeeraza abantu abaliko obulemu gyebawangalira okusobola okubeera mu bulamu obwegagaza era obutuukiridde.

NUDIPU egenderera okulwanirira eddembe ly'abantu abaliko obulemu mu ddooboozi eryawamu okusobola okufuna obulamu obwegagaza era obutuukiridde.

Ebyafaayo ku kirwadde kya Ssenyiga COVID-19

Okubalukawo kw'ekirwadde ki Ssenyiga COVID-19 (Corona virus Disease COVID-19) kyalangirirwa eggwanga lya People's Republic of China nga 31 December, 2019. Era ekirwadde kino kisaasanidde ensi yonna nga ne Yuganda tekigitalizza.

Engeri Ssenyiga COVID-19 gyasaasanamu

Akawuka kano kasaasanira ku misinde mingi ddala nga kayita mu minyira, ebikolondolwa n'amalusu agava mu muntu oyo alina ekirwadde kino naddala mu bifo ebirimu abantu abangi era kigondeza ddala oyo gwekikutte. Kisaasana okuva ku muntu omu okudda ku mulala nga kiyita mu kunyiza oba okukolola, okuliraana omuntu alina Ssenyiga COVID-19 wamu n'okukwata mu bifo ebikwatiddwako omuntu alina obulwadde bunu. Kyabuvunanyizibwa Bannayuganda okuba abasaale ennyo nga bakola ebyo ebisobola okutangira okusaasana kw'ekirwadde kino wamu n'okukwatibwa.

Obubonero bwa Ssenyiga COVID-19

- Omusujja
- Emimiro egikolokoota
- Ssenyiga akulukuta
- Ekifuba
- Obunafu mu mubiri
- Obuzibu mukussa
- Omutwe okuluma
- Okulemwa okuwunyiriza

Engeri gyoyinza okutangiramu okusaasana kwa Ssenyiga COVID-19

Waliwo engeri eziwerako mwosobola okuyita okulwanyisa okusaasana kw'ekirwadde kya Ssenyiga COVID-19. Muno nga mulimu:

- Okwewala okwekwata mu maaso, ennyindo n'emimwa n'engalo nga tozinaabye.
- Okwewala okusemberera abantu abalwadde nga balina obubonero bwa Ssenyiga COVID-19. Wabula, jjukira nti omuntu asobola okubeera n'obulwadde buno obwa Ssenyiga COVID-19 wabula nga talina bubonero bulaga era nga asobola okusiiga n'okubusaasanya.
- Bwoba tewewulira bulungi sigala awaka.
- Okukololera mu kikonde kyofunyizza oba okufuna tissue n'okololera omwo oluvannyuma nogisuula mu kifo ekituufu oba okujookya.
- Okukozesa akakokolo/ mask okubikka ennyindo n'emimwa nga bwoteekawo akabanga wakati wo n'abalala naddala mu bifo ebirimu abantu abangi.
- Okulongoosa ebifo ebikwatibwako abantu abangi buli kadde.
- Okunaaba mu ngalo nezitukula bulungi ng'okozesa amazzi agakulukuta ne ssabuuuni oba okukozesa Sanitizer alimu ekirungo ky'omwenge ebitundu lwakiro 60 ku 100.
- Okunaaba engalo kulina okukolebwa okumala wakiri ttikiki 40-60 okusenziira ku kuwabalwa kw'ekitongole ekyobulamu eky'ensi yonna.

Engeri gyoyinza okuyambamu abantu abaliko obulemu mu kiseera kino ekya Ssenyiga COVID-19

- i. Okuteeka abantu b'olulimi lw'obubonero ku mikolo gyonna egiri live oba egikwatiddwa obubaka obukwata ku Ssenyiga COVID-19. Muno mulimu okwogera eri eggwanga, enkungaana za Bannamawulire wamu ne live ku social media.
- ii. Okufulumya obubaka obutegeerekeka mu ngeri ez'enjawulo okusobola okufunibwa buli muntu mu bujjuvu. Okufulumya obubaka buno mu ngeri eyanguyiza abantu abalina obulemu ku bwongo, obulemu okuli naabo abalina obuzibu bw'okuwulira. iii. Okufulumya obubaka buno mu ngeri esoboka era eyanguyirwa buli omu okubufuna okugeza nga mu 'Word', nga bulina emitwe eminene egisomeka, mu bipande ebinene, mu braille nenkola endala ezisobozesa abantu abatawulira era nga tebalaba okubufuna.
- iv. Okukozesa ebifaananyi mu biwandiiiko oba ku social media nga byongera okunnyonyola ekyogerwako wabula nga tebityoboola bantu baliko obulemu.
- v. Okufuba okulaba nti obubaka obukwata ku Ssenyiga COVID-19 namalwaliro gyebayinza okufuna obujanjabi butuuka ku bantu abaliko obulemu nababalabirira. vi. Amasomero n'amatendekero okuteekawo enkola ezisobozesa abaana n'abayizi abaliko obulemu abayinza okuba nga betaaga okusigala nga basomera awaka okumala ebbanga eggwanvu.
- vii. Okufa ku byetaago by'abantu abalina obulemu ku bwongo wamu n'ensimbu abayimirawo ku ddagala okubeera abalamu nga babateerawo ebiragiro

- ebibasobozesa okufuna eddagala n'obujanjabi nga bafa ku kwekuuma ekirwadde kya Ssenyiga COVID-19.
- viii. Walino okubeerawo obukiiko bwa COVID-19 nga bulambikiddwa bulungi engeri gyebulina okukwatamu abantu abaliko obulemu nga beyambisa ebibiina ebibagata ku Disitulikiti n'omutendera gw'eggwanga.
 - ix. Okuteekawo abantu abakugu mu lulimi olw'obubonero mu bifo awakuumirwa abalwadde ba Ssenyiga COVID-19 ku malwaliro okuyamba abantu abalina obulemu bw'okuwulira basobole okufuna obuweereza mu kadde kano aka Ssenyiga COVID-19.
 - x. Okufuba okulaba nti okwogera kwonna okwegggwanga ku kirwadde kya Ssenyiga COVID-19 kufunibwa abantu abalina obulemu obw'enjawulo.
 - xi. Abantu abalina obulemu abayinza okwetaaga okuteekebwa mu kkalantini balina okuteekebwa mu bifo ebibasobozesa okwetaaya obulungi okugeza kabuyonjo n'ebifo ebirala birina okubeera ebintu ebibayamba okubikozesa nga tebibawa buzibu.
 - xii. Ebitongole by'ebyokwerinda byonna ebyenyigila mu kukwasisa ebiragiro ebikwata ku Ssenyiga COVID-19 birina okusomesebwa enkwata y'abantu abalina obulemu n'ensonga ezikwatagana n'abantu bano.
 - xiii. Okuteekawo ebintu eby'enjawulo mu bitundu abantu abaliko obulemu gyebawangalira okubasobozesa okweyimirizaawo mu kadde kano aka Ssenyiga COVID-19 nga tebabasosodde.

Okufundikira

Ssenyiga COVID-19 kirwadde kikambwe era ekinyigirizza ensi yonna, buli lukya Minisitule y'Ebyobulamu mu Yuganda efulumya emiwendo gy'abantu abapya abakwatiddwa ekirwadde kino ekya Ssenyiga COVID-19. Nabwekityo, NUDIPU ekubiriza abantu mwenna abaliko obulemu bonna mu Yuganda okugoberera ebiragiro (SOPs) ebyateekebwawo Minisitule y'Ebyobulamu okulwanyisa ekirwadde kya Ssenyiga COVID-19.

Facebook: NUDIPU-Uganda

Twitter: @NUDIPU

Instagram: NUDIPU Uganda

NUDIPU Email: info@nudipu.org